# Youth Wealth Creation baayooyoose Nakawa okwetegekera okulayira

Bya PATRICK KIBIRANGO

ABA Youth Wealth Creation Programe, okuva mu munisipaali ettaano ezikola Kampala bakoze Bulungibwansi mu katale k' e Nakawa bwe baabadde beetegekera okulayira kwa Pulezidenti Yoweri Kaguta Museveni leero e Kololo.

Omukwanaganya wa Youth Wealth Creation mu ggwanga, Faisal Ndase yannyonnyodde nti bakoze okuyonja nga bajaguza olunaku lw'okulayira kwa pulezidenti e Kololo.

Ndase annyonnyodde nti pulezidenti ayagala okukulembera abantu nga balamu basobole okukola okwegaggawaza era y'ensonga lwaki balabye ng'okwetaba mu kuyonja kyamakulu.

'Eggwanga buli we libeeramu abantu abalamu buli kimu kitambula bulungi n'omukulembeze ayanguyirwa emirimu noolwekyo kyetuvudde tukola okuyonja okulaga nti tuli beetegefu okubeera abalamu era tukole," Ndase bwe yagambye.

Mu ngeri ey'enjawulo yakunze abantu bonna okwetoloola eggwanga okujja mu bungi leero ku Lwokubiri ku kisaawe e Kololo nga Pulezidenti alayira. Joel Isabirye ow'akatale kano yasiimye aba Youth Wealth Creation okuva mu State house olw'okubeegattako okulaba nga bakuuma obuyonjo.

Abalala ku beetabye mu kuyonja kuno okuva mu Youth Wealth Creation nga bakulembedwaamu Charlse Mukisa, bayozaayozezza Pulezidenti olw'okutuuka ku lunaku lw'okulayira ne bamusaba nti ekisanja ekipya okukola bikyaluma abantu ng'enguzi, ebyobulamu n'ebbula ly'emirimu.



Ndase (ku kkono) ng'akulembedde abaabadde bayonja.